Ecolebooks.com

**P360/2**

**LUGANDA**

Paper 2

**June 2017**

**2½ Hours**

# RESOURCE MOCK EXAMINATIONS, 2017

*Uganda Advanced Certificate of Education*

**S.6**

**LUGANDA**

Paper 2

**2 Hours 30 minutes**

**EBIGOBERERWA:**

*Olupapila luno lulimu ebitundu bisatu* **A**, **B** *ne* **C**.

*Ebbibuzo byombi mu kitundu* **A** *ne* **B** *byabuwaze.*

*Mu bitundu **B** ne **C**, londako ngabw'olagiddwa*.

DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON **ECOLEBOOKS.COM**

Ecolebooks.com

## EKITUNDU A

1. a) Longoosa ensobi ezikoleddwa mu sentensi zino wammanga.

   (i) Mw'ezo temuli yaffe

   (ii) Talidde ng'ate enjala emuluma.

   (iii) Kiyini kibi alya aswankula

   (iv) Omwenge gwe anywedde bagumugulidde.

   (obubonero 4)

b) Ddamu owandiike sentensi ezikuweereddwa wammanga ng'ebigambo ebisaziddwako obikozesezza nga nakongezalinnya.

   (i) Ono gw'olaba tasoma

   (ii) Bakuwadde mmeka?

   (iii) Ebyaffe tubiridde (obubonero 3)

c) Laga akawakatirwa akeeyambisiddwa ku buli kikolwa mu sentensi ezikuweereddwa owe n'amakulu g'ekikolwa.

   (i) Baliira mu ddiiro

   (ii) Oyo akulimbalimba

   (iii) Bikkula ekitambaala ekyo

   (iv) Kironde ne Lule baasikagana mu mikono

   (v) Ani anaatuliisa ekigambo kya Katonda? (Obubonero 5)

d) Jjuza mu mweso ogukuweereddwa wammanga

| Ekikolwa | Embeera eyagaliza | Ekiseera ekiyise | Nakongeza linnya eva mu kikolwa |
|---|---|---|---|
| saba | (ii) | (v) | (viii) |
| nywa | (iii) | (vi) | (ix) |
| fumba | (iv) | (vii) | (x) |

(obubonero 5)

DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON ECOLEBOOKS.COM

e) Mu katundu akakuweereddwa ggyamu ebigambo ebigatte ebikozeseddwa obiwandiike.

Ssajjabi ku lwokutaano oluwedde yamala emisomo gye. Owessaza yamuwa embuzi kimeeme anti okuva lwe baatandika okusoma y'abadde akulembera banne. (obubonero 3)

2. a) Ku bisoko ebikuweereddwa londako bitaano (5) onnyonnyole amakulu gaabyo agomunda.

(i) Okuwewa omuntu
(ii) Okukola okugwa eddalu
(iii) Okuggya obutefe
(iv) Okufa ekiniga
(v) Okukambagga ng'embidde empaatirewo
(vi) Okweyabiza omuntu
(vii) Enkuba okucekera (obubonero 10)

b) Ku bisoko ebikuweereddwa londako bitaano (5) obikozese mu sentensi eziggyayo amakulu gaabyo agoomunda.

(i) Okumala omuntu akalogojjo
(ii) ensonga okukalambira
(iii) okuba n'ennaku eyoza lumonde
(iv) ekintu okwesibya omuntu ebbiri
(v) okwebaza eyazimba
(vi) okusoberwa eka ne mu kibira
(vii) okufuna atazunza njuki (obubonero 10)

DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON ECOLEBOOKS.COM

Ecolebooks.com

## EKITUNDU B

**Ddamu 3(a) ~~ne~~ oba 3(b)**

3. a) Laga engeri amagezi g'Abaganda gye geeyolekera mu ntuuma y'amannya g'ebiseera eby'olunaku nga basinziira ku bikolerwamu oba ebibaawo. (obubonero 20)

**Oba**

3. b) (i) Nyonnyola ku bukulu bw'empisa y'okwalula abaana mu Buganda. (obubonero 10)

(ii) Bintu ki ebireetedde empisa eno okulagajjalirwa ensangi zino. (obubonero 10)

4. **Kola 4(a) ne 4(b)**

a) Ku ngero ezikuweereddwa londako ttaano (5) ozimalirize nga bwe zoogerebwa.

(i) Kamwa kabi ...............................................................

(ii) ...............................nga ggwe akagogombodde.

(iii) Ssebwavu bwali dda.....................................................

(iv) ..................................ganywebwa wa mwoyo.

(v) ..................................kijjukirwa malima.

(vi) ..................................atuma asa.

(vii) Bakidambya ...............................................................

(Obubonero 10)

b) Ku ngero ezikuweereddwa londako ttaano (5) onnyonnyole amakulu gaazo agoomunda.

(i) Akatali kabbe, eggumba osuula mu luggya.

(ii) Ekitta engo, kigiyinga buzito

(iii) Abalungi ŋŋoma mpunde, emala abagabe.

(iv) Ekigwo ekimu tekirobera baana kuyimba.

(v) Omuyonjo omutono gukyamya enkoko ekyensuti.

DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON ECOLEBOOKS.COM

(vi) Ke weerimidde kakira mbegeraako.

(viii) Omukulu bw'atakwata mu kisibo, embuzi zifa

(obubonero 10)

## EKITUNDU C

***Ddamu ekibuuzo kimu kyokka okuva mu kitundu kino. Kiggye mu nnamba 5, 6 oba 7***

5. a) Busuulwa ayimiriddewo atya mu kifaananyi ky'omusomesa atuukiridde? (obubonero 20)

**Oba**

b) Weesigame ku katabo byonna bya Mbyone olage ebyo Busuulwa bye yeewazisa abantu aboomulembe Omutebi. (Obubonero 20)

6. a) Nyonnyola engeri Matovu gy'akuttemu omumuli gw'okukuuma olulimi Oluganda mu nsi ye.

**Oba**

b) Obusobozi bwa Matovu mu kuwandiika ebitabo buyinza kuyamba butya omuvubuka wa leero okukola ebizimba eggwanga lye?

7. a) Weesigame ku nswa ensejjere onnyonnyole ebyo ebikulu Kaswa bye yeesigamako ng'atulombojjera ku nswa mu kimu ku bitabo bye.

**Oba**

b) Bingi ku bitabo ebiwandiikiddwa bikola ng'eggunjuliro ly'omuvubuka w'ensonga zino. Weesigame ku Omunaku Kaama okakase endowooza eno.

**BIKOMYE WANO**

DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON ECOLEBOOKS.COM